**13th August 2017.**

# MUSA.

**Okuva 2:1-22.**

Amakya ga leero, nga tweyongera mu kusomesebwa okuva mu kitabo ky'Okuva, eky'okubiri mu Baibuli, era ekyawandiikibwa Musa, nga bwe twaalaba oguwedde, tuli mu ssuula ey'okubiri etubuulira mu bufunze ku buzaalirwana n'obulamu bwa Musa. Omusajja omu ku basinga ettutumu ku nsi kuno, amanyiddwa nga mukwano wa Mukama Katonda, olw'okuganja kwe yalina n'eggulu, okumubeesa ekifaananyi eky'enkalakkalira ekya Yesu Kristo mu ndagaano enkadde, olw'okuba nabbi, omununuzi, omuwi w'amateeka, era omwegayirizi w'abantu ba Mukama Katonda.

Ennyiriri ezisooka zituwa obuzaale bwe nti….[1-2].
Bwe tujjukira Leevi, mutabani wa Yakobo/Isirayiri, yali musajja wa busungu bungi, nga bwe kyaali nti ye ne munne batemula ekyaalo kiramba olw'ekiruyi mu kwesasuza okusobesebwaako kwa mwannyinaabwe.( Lub.34).
Era tulaba nti bye yabalaamira mu Lub. 49:5-7, bye byaatuukirira gye bali, wadde eri Levi olw'okuba n'ekiruyi eri obutuukirivu be balondwa okuba ba Kabona…
Naye tuliraba nti y'embala y'emu eyalemesa Musa okuyingiza abaana ba Isirayiri mu nsi ensuubize……Ekituwa ekimu ku by'okulabirako lwaki tekigwaana bantu kufumbiriganwa okuva mu kika ky'ekimu…Amannya ga bazadde ba Musa gatuweebwa mu ssuula 6:20, okuba nga kitaawe yali Amulaamu, ne nnyina yali Yokebedi, era nti Musa yalina bakulu be Alooni ne Miriyaamu.
Naye bwe tuddayo ku nsonga, Musa tulaba nti okuviira ddala mu kuzaalibwa yaliko okuganja kwa Mukama okwenjawulo. Nate tujjukire nti yazaalwa mu kiseera Falaawo we yali ayisizza etteeka nti buli mulenzi azaalwa mu ba Isirayiri yalina kusuulwa mu mugga Kiyiira, era nkiwa bangi baasuulwaamu, ne bafa!
Naye Baeb. 11:23 lugamba nti "Olw'okukkiriza Musa, bwe yazaalibwa, abazadde be ne bamukwekera emyezi esatu, kubanga baamulaba nga mulungi; ne batatya kiragiro kya Falaawo."

Obulungi bwe yalabika mu buwere bwaleetwa kuganja kwa Mukama, ateeka omukisa kwaabo baalonze okumuweereza okuviira ddala mu buto bwabwe, era nga bwe tulaba entakera mu Baibuli, ku Samusooni, Samwiiri, Dawudi, awamu ne Yesu, ate ne Timoseewo mu ndagaano empya.
Naye enny. 3, 4 zigamba nti…..
Awo mu kugondera amateeka ga Falaawo, obutateeka bulamu bwaabwe bonna mu katyabaga, baafuna amagezi nkiwa agabaweebwa Mukama, kubanga lye lyaali ekkubo lye yali ategese okukozesa embeera embi okubaamu omukono Gwe og'wokutuukiriza okwagala kwe, nga bwe twaasomesebwa omulundi oguwedde nti ebyo Sitaani byagenderera olw'obubi gye tuli Mukama alina obusobozi obbikozesa okuba obulungi gye tuli wadde tuba mu kubonaabona, bwe tubeera mu Yye ng'ababe ddala abatamweegaana.

Era kye tulaba mu nny. Eziddako 5-10, zigamba nti…….
Teebereza nti mu kiseera ekituufu, muwala wa Falaawo mwe yasalawo akkirire ku mugga anaabe, gyobeera mu lubiri tewaali binaabiro, kyokka naye n'asaasira nnyo omwana omuwere, gwe yategeera nti yali w aba Isirayiri, n'amufuula wuwe, era n'asasulira okumulabirira, nga takirowooza nti asasula nnyina w'omwana yennyini? Kigambwa nti muwala wa Falaawo ono teyazaala mwana, n'olw'ekyo osanga kitaawe kye kyamulesa okkola ebyo, naye amazima gali nti bwaali bukakafu bwa mitima gya buli kabaka okuba mu mikono gya Mukama, nga bw'agamba mu byawandiikibwa.
Kigambwa nti mu kukomolebwa kwe Musa yatuumwa Yowakimu, naye erinnya eryamuweebwa nnyina eyamukuza lye likakasibwa , ate kirabika Abayudaaya batuumanga linnya limu lyokka……Isaaya 49:23 lugamba nti …..

Mu kuyisaawo emyaka amakumi ana, Musa akuze, asomye, era akuguse mu bingi, kigambwa nti yali na w'amagye mulungi ng'omulangira mu Misiri, eyawangula entalo n'Abasiyopiya.
Alutugerera ku bulamu bwe nti… 11-15…..
Era Baeb. 11:24-27, zigamba nti ……….
Era wadde tulaba nga yadduka okuva mu Misiri, kirungi nti yaviira Falaawo aleme mutta, ng'olunny, 15 bwe lugambye….

Bibiri eby'okweetegereza wano nate, nti Musa yalina empulira mu yye okuba omununuzi wa baganda be, kyokka teyalindirira Mukama mmusobozesa. Kikulu nti wadde tuwulira mu ffe okuyitibwa kwa Mukama, tulina ommulindirira ottuluŋŋamya n'ottusobozesa okutuukiriza okuyitibwa kwaffe mu buweereza obutuufu.

N'eky'okubiri ekyayogerwaako Suteefano ng'anaatera okuttibwa mu Bik. 7, nti obuweereza bwe eri ababe tebwaasiimwa okusooka, olw'ensonga eziwerako naye kino nabo kyabeyongezaayo emyaka 40 emirala mu buddu n'okubonyaabonyezebwa ennyo, okutuusa bwe baakaabirira Mukama nga bwe tubuulirwa ku nkomerero y'essuula. Ate ne Musa kyamusobozesa okusomesebwa Mukama mu ddungu, aleetwe okumumanya, nakyo ekyaali ekikulu mu byetaago bye okusobola okutuukiriza okuyitibwa kwe okujja Abayisirayiri mu Misiri.

Nga bwe tubuulirwa nti gye yafuna obububudamu, eyafuuka Ssezaala we yali kabona, Leweri, era eyayitibwanga Yesero.

Tusome 16-22 nga tumaliriza, nga bwe lwaagerwa…….